**CALVARY CHAPEL `LUGANDA SERVICE'**

**15 MARCH 2015**

**MWANGA CHARLES**

**OMUTWE: OBUTUUFU BW'EBIRINA OKUKOLEBWA MU YEKAALU**

**EKYAWANDIIKIBWA: Yokaana 2:13-25**

Ku Ssande ewedde twasomesebwa ekabonero akaasooka okuteekebwa mu byawandiikibwa mu buweereza bwa Yesu akaaali ku mbaga mukibuga kye Kaana.

Kumundi guno tugenda kulaba embaga endaala eyali nga mu Yerusaleemi ekya Yuda. Eno Yesu gye yalongooseza Yekaalu omulundi ogusooka ng'tandika obuwereeza bwe obw'olujjudde.

Yesu yakola ekikolwa kino emirundi ebiri okusinziira ku bya wandiikibwa nga ogusembayo gulagibwa Matayo munjiri ye 21.

**vs13**. Okujaguza kwa Bayudaaya nga bujjukira okuyitibwako kwa malayika w'okufa mu Misiri okusinziira mu bya wandiiki nga **Kuva 12:8,,17, Baleevi 23:6.**

Kulunaku olw'ekkumi mu mwezi gwabwe ogusooka (wano guba gwa Kuna) wakati wa ssaawa omwenda n'ekkumi n'ebbiri ez'ekawungeezi baasalanga ente, endiga awamu n'amayiba era ekiro ekyo baalyanga ebyalinga bisaliddwa.

Ng'okuteeka teeka kwembaga eno kunaatera okutuuka, Yesu naye yayingira mu kibuga kya Yelusaalemi ng'abantu abalala bwe baakolanga okugenda okusinza.

Kisuubirwa nti abantu abawera nga obukadde bubiri bajjanga okwetaba ku mbaga eno.

**vs 14**. Yekaalu kyali kifo kya kusinzizaamu Katonda. Kyaliko ebifo eby'ejawulo

nga awatukuvu wa watukuvu, awatukuvu, ekifo kya ba Kabona, eky'abakyala wamu n'ekyabamawanga.

Mukifo ky'abamawanga ekyali kiweza yiika nga 14 we baali bakoze akatatale.

Ente n'diga byali byakusalibwa abagagga abaali batasobola kugula ente na ndiga beebasaddaaka nga amayiba.

Era nabuli mu Yudaaya omusajja okuviira ddala kumyaka 12 yawanga yo omusolo gwa Yekaalu ogwenkanankana nga ekitundu kya Sekeli buli mwaka. Abataasobolanga kutuuka mukiseera kino baatumanga bannabwe okubwatwalira omusolo gwabwe mu Yekaalu

Abasinga baakozesanga ennusu ya Baruumi eyaliko omutwe gwa Kayisaali era nga eno yatwalibwanga okuba etali ntukuvu kuweebwayo nga kyeyava ewaanyisibwa n'za Yekaalu.

Ekibi tekyali ku kutunda ndiga, ente wamu n'amayiba, wabula kyali kukifo we byawanyisibwanga wamu n'obukumpanya obwali bukyetobeseemu. Kigambibwa nti Bakabona baalina abantu baabwe abatundanga ebisolo bino n'amayiba wamu n'okuwanyisa ensimbi.

Abantu bano batundanga ebintu bino kumiwendo egyawaggulu nga bya buseere nnyo ddala.

Yesu **mu Matayo 21:13** agamba nti baali bafudde Yekaalu empuku y'abanyzi.

**1 Bakolinso 6:19-20** etulaga nti emibiri gyaffe ye Yekaalu ya Mwoyo Mutukuvu.

- Banji bagamba nti kyo'kola mu mubiri sikyekikulu wabula omwoyo gwo ye’nsoga enkulu.

**vs15** Yesu alina ekitundu ku ye eky'busungu. Takoma kubeera kaliga ka Katonda

akajjawo ebibi by'ensi wabula era y'empologoma ya Yuda ate nga ye Mulamuzi wabuli muntu.

Tetulina kwerabira nti ekisa akirina naye alina okutegeerebwa nti alina ekitundu ekirala.

**vs16**- Ebyali begenda mumaaso byali byabutali butukiriivu..

Tulina okumanya ebigendererwa by’o kulokolebwa kwaffe. Kituufu ekisa weekiri naye ebituufu mu kisa ekyatuweebwa.

***1Bakolinso 6:12-13***

Ekibi nga kyo weekiri era kigenda kubaawo okubaawo kwakyo si yensonga naye ffe abakiwa amanyi okukola muffe ffe tukireetera okutta.

Obwenzi, obukaba , obukumpanya n’ebiringa ebyo tetuwuliranga kifo kyabyo mukuzikirira naye abafugibwa ebyo nga bawaayo emibiri gyabwe okubeera emiramu eri byo balina ekifo mukuzikirira.

Vs 17 Abayigirizwa baamanya ebyawandiikibwa, Ekyawandiikibwa kino kyasimbulibwa mu Zabbuli 69:9

Tuyayaane nga okuwaayo obudde okunonya ebyawandiikibwa kubanga mubyo mwemuli amazima gaabuli kyetukkiriza.

**Vs 18** Abawakanya basaba akabonero.

Tebabuuza lwaki assasanyizza abbali batunda kubanga baali bakimanyi nti kyali kikyamu.

Baagala kabonero akamuwa obuyinza obwoleka ekibi kyabwe. **Matayo 12:38-42.**

Ffe tetukyetaaga kabonero, wabula buli kye twetaaga okumanya amazima Yesu bwe yafa nazuukira twakifuna kubang abaamusabanga akabonero kino kyeyali abalaga.

**Vs 19** Obunnabbi obusonga ku kubonyabonyezebwa n'kottibwa wa n'okuzuukira kwe bulagibwa.

**Vs 20-21** Aba Yudaaya baalemwa okuvvuunula amazima, era n'okutuusa ku lunaku olwokukwata Yesu baali bamuvunaana kino wamu n'okweyita omwana wa Katonda newankubadde nga teyeeyita bweyisi naye mwana wa Katonda ddala.

**Yokaana 20:32**, watulaga nti buli ekyawandiikibwa mu kitabo kino kya wandiikibwa okutukakasa nti Yesu mwana wa Katonda ddala.

**Vs 2**3 Abamu bakkiriza ol'wobubonero.

Tulina bingi mubulamu bwaffe ebituleetera okukkiriza nti Yesu ye Mulokozi, okugeza nga obulamu obukyusiddwa bwetwafuna nga tumaze okujja eri Krito.

**Vs 25** Yesu amanyi byonna ku bantu naye kennyini yeemanyi nga teyeetaaga bujulizi bwa bantu kukakasa kiki kyali na kutegeezebwa kiki abalala kye bali.

**Abaruumi 12:**1 Ffe Yekaalu. Biki ebikolebwa mubulamu bwaffe?